# Batadde poliisi ku nninga ku bya taata eyatta muganzi wa muwala we

Bya WASSWA B. SSENTONGO

ABATUUZE ku kyalo Mabanda e Matugga batadde poliisi ku nninga ennyonnyole w'etuuse ku musango ogwaggulwa ku mutuuze munnaabwe agambibwa okukuba muganzi wa muwala we n'amutta.

Bino byabadde mu lukiiko olwayitiddwa RDC w'e Kawempe North, SSP Moses Nanoka nga lwetabiddwaamu DPC w'e Matugga, Yudaya Mugoya n'akulira ensonga z'amaka mu Kawempe North, Sophie Nambala n'akulira okunoonyerezza ku buzzi bw'emisango mu mu kitundu kino, Rashidah Naluzze ssaako abaserikale abalala.


Hebert Lumu Musaasizi yakwatibwa e Gulu gye yali yeekukumye nga kigambibwa nti yakkakkana ku muyizi Martin Bukenya n'amukuba emiggo egyamutta ng'amulanga kutwalira muwala we akamuli ku lunaku lw'abaagalana.

Mu lukiiko luno abatuuze batadde poliisi ku nninga okubannyonnyola w'etuuse mu masango guno era baagala okumanya omuwala eyaviirako Bukenya okuttibwa gy'ali.


Abatuuze mu lukiiko luno bagambye bingi ebibaddewo okuva Bukenya bwe yafa abamu ne batuuka n'okugamba nti baliraanwa tebaayamba mwana nga bamukuba nga kino baakitadde ku poliisi okuba n'olugambo nga eroopa



Omutuuze ng'aliko by'annyonnyola RPC ku nsonga za Martin Bukenya eyattibwa.



Omufu Bukenya



Lumu

abeera agiwadde amawulire, oluusi ekivaamu empalana ku kyalo.

Fred Ntabadde nga mutuuze mu kitundu kino yagambye kyewuunyisa nti poliisi tennafuna muwala eyavaako Bukenya okuttibwa kyokka nga baakola ekisoboka okukwata Musaasizi.

Akulira okunoonyereza ku buzzi bw'emisango mu Kawempe North, Rashidah Naluzze yagambye, poliisi eri mu kaweefube w'okuzuula omuwala ono kuba takolanga sitetimenti ku poliisi ku byaliwo. Naluzze yasabye abatuuze okubeera abakkakkamu kuba ensonga eno bagikutte n'obwegenderezza okulaba nga bafuna obujulizi obwetaagisa.

RPC Nanoka yagambye waliwo obunafu bungi eri baliraanwa ba Musaasizi abaalaba ebyali bigenda mu maaso wabula ne batafaayo kutegeeza baabuyinza.

Bukenya yali muyizi ku ssomero lya Hill Side SSS Matugga gye yali asoma mu S6. Kigambibwa okuva ekikangabwa kino lwe kyabaawo, omuwala taddangamu kulabikako ku kyalo era abatuuze baamwekkaanya ku mikutu gya 'social media' ng'alina b'ayogera nabo ku ttemu lino.